# Ebifa mu BLB

Buganda Land Board

AMAWULIRE AGAKWATA KU BY'ETTAKA OKUVA MU BUGANDA LAND BOARD Vol: 5 Kasambula 2023

# KABAKA AGGUDDEWO AMAYUMBA E SSENTEMA



*Ssaabasajja Kabaka mu kutongoza amayumba e Ssentema*



Okujaguza emyaka 30 egya Kabaka ku Namulondo: 08

Ssenkulu alambudde ab'e Mpigi: 10



BLB ewagidde Ssingo: 12__



Corporate League: 14






Abakozi ba BLB baanekaanekanye ku matikkira ga Kabaka: 09



Mpigi yeetisse amatabi amalala: 06

# Ssaabasajja atongozza Mirembe Estate e Ssentema



Amayumba nga bwegafaanana



Ssaabasajja ng'atongoza awali ejjinja

Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II yasiimye n'atongoza amayumba ga Mirembe Estate e Ssentema agaagendereddwamu okusobozesa abantu bamufunampola okufunako we babeera mu kifo ekiteeketeeke.

Enteekateeka z'omukola guno zaakulembeddwa enkiiko ezaatudde okukola entegeka y'okulambula kwa Maasomoogi era nga kino kye kirabo ekyamukwasiddwa ku mwaka guno we yawerezza emyaka 30 ng'atudde ku Namulondo ya bajjajja be.

Entegeka zino zaakulembeddwa Ssentebe wa Bboodi, Owek. Eng. Martin S. Kasekende nga yawerekeddwako Omuk. Hajji Kizito Bashir Juma era nga ye mumyuka wa Ssenkulu wa BLB, Ssebwana, ttiimu y'ebyokwerinda ssaako abakulembeze abalala.

Ttiimu yafubye okulaba ng'ekifo kiyooyootebwa okutuuka ku ddaala erisaanidde Beene era ng'olunaku mulindwa lwagenze okutuuka nga buli kimu kiri tereere nga nnyindo ya nte.

Beene yayanjuliddwa amayumba gano okugatongoza nga 29 Kasambula 2023 era abantu be baamwanirizza mu ssanyu wakati mu kusindogoma kw'embuutu n'okunyaanyaagiza emirere.

Eno yayaniriziddwa Katikkiro we, Owek. Charles Peter Mayiga n'Abeekitiibwa abawerako ssaako Abakungu be n'abagenyi abawerako okuva mu gavumenti eya wakati.

BLB ye yawomye omutwe mu nteekateeka eno era Ssaabasajja yabasiimye byansusso wamu ne munnamukago wa Guoji okuzimba amayumba gano amateeketeeke so nga era be bazimba amayumba aga babinojjo e Kigo.



Ssaabasajja ng'atongoza awali ejjinja



Ssaabasajja ng'aliko by'abuuza Wendy owa Guoji wakati mu kumulambuza amayumba



Katikkiro Mayiga ng'ali ne Ssentebe wa Bboodi, Owek. Kasekende



Ssaabasajja Kabaka ng'alambuzibwa amayumba

# Kabaka asiimye BLB

Ssaabasajja Kabaka asiimye ekitongole ekivunaanyizibwa ku ttaka ekya Buganda Land Board olwokuteeka mu nkola ekiragiro kye okuzimbira abantu be amayumba ku nsimbi ensaamusaamu.

"Twebaza ekitongole ky'Obwakabaka ekikola ku nsonga z'ettaka ekya Buganda Land Board olwokutuukiriza ekirowoozo kyaffe okuzimbira abantu ennyumba eziri ku mulembe mu busobozi bwabwe," Ssaabasajja bwe yategeezezza bwe yabadde aggulawo amayumba ag'omulembe ku mbuga enkulu ey'essaza lya Busiro e Ssentema.



Ssaabasajja Kabaka ng'ayogera e Ssentema. Omulsangira Wasajja Kintu y'ali ku ddyo

Ssaabasajja yategeezezza nti buli munnayuganda alina eddembe okusula mu nnyumba emuweesa ekitiibwa era kino ekikoleddwa Obwakabaka nga buli wamu ne bamusigansimbi aba Guoji Group kigenderedde okukyusa obulamu bw'abantu.

Ssaabasajja yakubirizza ebitongole ebirala ebya bamusigansimbi okukolera awamu n'Obwakabaka okutumbula embeera z'abantu mu nsonga ez'enjawulo.



Ssaabasajja ng'alamusa ku Ssentebe ne Bassenkulu ba BLB




Abamu ku bammemba ba Bboodi ya BLB



Abakozi ba BLB nga banekedde ku mukolo



Abakozi ba BLB ku mukolo

# Abanene beeyiye e Ssentema mu kutongoza amayumba



Ssaabasajja ng'alamusa ku musajja we Ssebwana Kiberu Kisiriiza



Bamusigansimbi aba Guoji Group ku mukolo e Ssentema

Kyabadde kijjobi Ssaabasajja Kabaka bwe yabadde asiimye okuggulawo amayumba ag'omulembe agazimbiddwa ku mbuga y'essaza Busiro e Ssentema.

Omukolo gwaleese abanene, abawanvu n'abampi okuviira ddala ku mukiise wa Pulezidenti mu district y'e Wakiso, Omuky. Justine Mbabazi, Ssentebe wa Wakiso Owek. Matia Lwanga Bwanika, bannabyabufuzi, n'abakulembeze ku mitendera egyenjawulo.

Baminisita ba Kabaka nga bakulembeddwa Katikkiro, Owek. Charles Peter Mayiga baabugirizza Omutanda eyabadde omusanyufu ng'alambuzibwa amayumba agazimbiddwa bamusigansimbi aba Guoji Group nga bakolagana n'ekitongole kya Buganda Land Board.

Mu ngeri yeemu, omukolo gwetabiddwako Abaami ba Kabaka okuviira ddala ku Ssebwana, Abaami ab'amagombolola, Abeemiruka n'Abatongole. Bano era bakoze kinene okukungaanya ebirabo Ssaabasajja bye yasiimye ne bifuuka amakula.

Omukolo gwetabiddwako bannaddiini okwabadde District Khadhi w'e Wakiso n'abalala bangi.



Abeekitiibwa ne bamusigansimbi mu kifaananyi ku nnyumba



Abagoma nabo baasanyusizza Maasomoogi



District Khadi w'e Wakiso, Sheikh Kassim Ssengonzi



Ebisolo ebyatoneddwa eri Ssaabasajja



Amakula ga Beene



Owek. Matia Lwanga Bwanika (mu ssuuti) ne Sheikh Erias Kigozi



Abaami ba Kabaka ku mukolo e Ssentema



Abantu ba Ssaabasajja ku mukolo



Abagenyi ba Ssaabasajja e Ssentema

# Ssentebe wa BLB ayagala gavt ekole ekkubo ly'e Ssentema



Ssaabasajja ng'atongoza awali ejjinja

Ssentebe wa Buganda Land Board Owek. Martin S. Kasekende akubirizza ebitongole ebikwatibwako okusembeza obuweereza obwa bulijjo (UNRA, UEDCL, NWSC) eri abantu okukikola mu bwangu n'asaba naddala aba UNRA batandike okukola oluguudo olugenda e Ssentema.

Bwe yabadde ayogerako eri abantu abaabaddewo nga Ssaabasajja Kabaka atongoza amayumba ag'omulembe agaazimbiddwa e Ssentema, Owek. Kasekende yategeezezza nti singa obuweereza obwa bulijjo (social services) buba busembezeddwa, ebbeeyi okutundirwa amayumba gano esobola okukendeera.

Yategeezezza nti ekifo kino ekye Ssentema kyalondebwa okuzimbibwako amayumba gano kubanga tekiri wala n'ekibuga Kampala. Omuntu avuga emmotoka yeetaaga eddakiika 30 okuva e Kampala okutuuka e Ssentema.

Yalaze nti amayumba gano gazimbibwa mu mitendera era omutendera ogusooka gutandikira ku mbuga y'essaza era nga baatandika n'ettaka eritaliiko basenze eriwerako yiika 50.

Amayumba agasoba mu 400 ge gasuubirwa okuzimbibwa mu mutendera guno, wabula ng'amayumba 116 ge gaakazimbibwako era nga amayumba 11 galimu abasenze.

Amayumba gano kuliko ey'ekisenge ekimu, ey'ebisenge ebibiri n'ezeebisenge ebisatu nga zonna ziri ku nsimbi ensaamusaamu ate era nga za kibanjampola.

Ekirala ekyenjawulo kiri nti ennyumba zizimbiddwa mu kifo ekiteeketeeke obulungi ng'omuntu alina ennyumba wano e Ssentema ajja kuba teyeetaaga kugenda Kampala kubanga buli kintu kigenda kubeerawo. Mugenda kubeeramu ebifo awawummulirwa, ssemaduuka, amasinzizo n'ebirala.



Amayumba ag'omulembe agazimbibwa



Amayumba ag'omulembe agazimbibwa



Ebifo awazannyirwa abaana ebiri mu kifo kino



Eyakiikiridde ekitongole kya Guoji Group, abazimba amayumba gano, Antonia Cui ng'ayogerako eri abantu

Buganda Land Board



# Mpigi esumagizza Kibuga mu Ssebaaseka

Kaami katono okanyoomera mitala wa mugga, ne Mpigi bwe yalabise ng'esumagizza ettabi lya Kibuga n'egiwanula mu kifo ky'oku ntikko, olwo ne yeetikka ekikopo kya Ssebaaseka. Ettabi ly'e Mpigi lyanywedde akendo mu matabi gonna mu kuyingiza ensimbi u kitongole era SMO, Kanso bugaya Dennis yakwasizza Maneja Kireewa Maato ekikopo ky'obuwanguzi ssaako akasiimo akajjidde mu bwaguuga bw'ebbaasa mu lukiiko olwatudde ku Masengere okutunuulira emirimu gy'ekiwayi kya Operations egyomwezi gwa Ssebaaseka.



Maneja Kireewa Maato nga Kanso Bugaya amukwasa ekikopo kye baawangudde

Kanso Bugaya yasoose kwogerako eri abatwala amatabi n'abakubiriza okulaba nga mu mwaka gw'ebyensimbi 2023-2024 ennyingiza erinnya okusinga bw'ebadde mu mwaka gw'ebyensimbi oguweddeko.

Kanso era yakwasizza abaweereza abaasinze ku bannaabwe mu kuyingiza ensimbi okwabadde Sarah Nakigudde ow'ettabi ly'e Ndejje nga yakoledde ku bitundu 206%, Kalungi Mathius owa Kibuga ku 200%, Nakayiza Sarah ku 190%, Namata Monica okuva e Buddu ku 480%, Walukagga Richard ow'e Mubende ku 126% ssaako Nambaziira Christine ow'e Mpigi ku 492% era bano baagabanye amabaasa agabeebaza okuwenja obusimooni.



Walukagga ow'e Buweekula yafunye ebbaasa emusiima



Maneja Bakabulindi ng'akwasibwa ebbaasa ya Namata Monica



Nakayiza Sarah yagabanye ebbaasa



Kalungi Mathius nga Bugaya amukwasa ebbaasa ye

# BLB yeetabye mu musomo gwa UNDP




Ssenkulu Kabogoza Simon ng'ayogerako eri abakiise mu musomo



Hajat Rehema Nanvuma ne Emmanuel Balaba mu musomo

Ssenkulu wa BLB, Omuk. Kabogoza Simon yakulembeddemu ttiimu ye ne beetaba mu musomo ogwategekeddwa UNDP ogwabadde wansi w'omulamwa ogugamba nti "Okusoomoozebwa okwolekedde ebibuga ebiyonjo" ogwategekeddwa ku Protea Hotel Entebbe.

Ssenkulu yategeezezza abaagwetabyemu ku ebyo BLB by'okoze okwanganga okusoomoozebwa okwo wakati mu kulungamizibwa Ssaabasajja Kabaka omuli okuzimba amayumba amateeketeeke mu ggwanga mu bitundu okuli Ssentema ewasangibwa amayumba ga bamufunampola, amayumba g'abalinamu ku ttooke e Kigo, okunyweza obusenze bw'abeebibanja ku ttaka ly'Obwakabaka, okusobozesa abantu okufuna ebyapa, okukolagana n'aboobuyinza mu bibuga okuteekateeka ettaka n'ebirala bingi.

Omusomo guno gwetabiddwamu Minisita Omubeezi ow'Ebyettaka avunaanyizibwa ku nkulaakulana y'ebibuga, Muky. Namuganza Persis, Akiikirira UNDP kuno Muky. Elsie Attafuah, akulira ekitongole ki KCCA Muky. Kisaka Dorothy n'abalala bangi.

Ssenkulu yawerekeddwako Hajat Nanvuma Rehemah akulira ekiwayi ekiteekateekera ettaka ssaako Emma balaba mugala owa GIS ne Muky. Kiyaga Cissy Namuddu.

Hajat Nanvuma ku lwa BLB yabatangaazizza ku mikisa gy'okukolagana ne BLB okumalawo omugotteko okusobola okubangawo ebibuga ebinyirira. Yakoonye ku mukago gwa BLB ne GIZ, KCCA n'aboobuyinza b'ebibuga ebirala, ennono ya BLB ssaako okubeera nga Kabaka ye nannyini ttaka erisinga obunene nga likolwako BLB yokka.

Omusomo gwakulungudde ennaku bbiri.

## Abaami b'e Nansana bakyalidde BLB

Abaami ba Kabaka abaakalondebwa mu muluka gw'e Nansana baagenyiwaddeko ku ttabi lya BLB e Nansana ku Nakkuule, ng'obugenyi buno bwagendereddwamu okunyweza enkolagana n'obwasseruganda n'abaweereza ku ttabi lino wamu ssaako okulambikibwa ku buvunaanyizibwa bwabwe ku nsonga z'ettaka.

Atwala ettabi lino, Maneja Kimogofu Yosia yabanjulidde abaweereza mu biti ebyenjawulo n'oluvannyuma n'abalambika ku butya bwe banaatambulira awamu okusobola okunyweza Namulondo.



Omu ku Baami ba Kabaka nga yeeyanjula eri abaweereza ku ttabi e Nansana

# Temutunda ttaka - Kabaka alagidde



**Ssaabasajja Kabaka ng'amulasa ku Mujaguzo ku matikkira mu lubiri e Mengo**

Kyatokose si kisaanikire mu lubiri e Mengo, Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II bwe yasiimye n'alabikako eri Obuganda okujaguza nga bwe giweze emyaka 30 bukyanga atuula ku Namulondo ya bajjajja be mu 1993, omwezi gwali gwa Kasambula nga 31.

Ssaabasajja yatuukidde wakati mu mizira, enduulu, obugombe, okunyaanyaagiza emirere era yasookedde ku kulamusa ku Mujaguzo olwo abantu be abaabaddeyo okumubugiriza ne bayiikirwa essanyu eryomujjiramu.

Oluvannyuma yakongojjeddwa bazzukulu ba Kayiira ab'Embogo ne bamwetoolooza awaategekeddwa emikolo nga bw'awuubira ku nasiisi w'omuntu eyakuluumulukuse okulaba ku Beene.

Omutanda yayaniriziddwa Katikkiro we Charles Peter Mayiga ng'ali wamu n'Abeekitiibwa abalala era nga Maama Nnaabagereka Sylvia Nagginda yawerekedde ku Maasomoogi.

Beene yasiimye abaatonye amakula n'abantu bonna abeetabye ku mukolo gw'okujaguza amatikkira ag'emyaka 30. Ne yeebaza Katonda olwekirabo ekyobulamu n'okumusobozesa okukulembera Obuganda. Yeebazizza abaakolerera Obwakabaka okuddawo omuli n'abaafiirwa obulamu nga mw'otwalidde ab'olulyo Olulangira, Abataka, bannaddiini, abaserikale n'abantu ba bulijjo abaakekeza ennyago era ne bakuuma omwoyo gwa Buganda ogutafa. Abaakolanga obwannakyewa nabo baasiimiddwa.

Yategeezezza nti Obwakabaka bwaddawo naye tebwafuna buyinza okukola emirimu nga bwe gwabeeranga edda. Tugezezzaako okwerwanako mu mbeera zonna okuli ebyobulamu, ebyobulimi n'ebirala. Kale twetaaga federo okukulaakulana. Obwakabaka bugasse abantu okuyita mu mipiira gy'ebika n'egyamasaza.

Abantu be yabasibiridde entanda nti Obwakabaka bwaddawo era babwagala naye waliwo abatabwagala, nga n'olwekyo tekitwetaagisa kubongoota. Yagambye nti abavubuka ly'essuubi lya Buganda n'abalabula ku nsonga nga 2 okuli obutatunda ttaka n'obutava mu byalo, wabula bakole nnyo enkulaakulana ejja kubasangayo gyebali. Yagambye obutabuzaabuzibwa kutwalibwa kukola bitategeerekeka ng'ebweru gye bakola obuddu era ababatwala tebalina kirungi kye babaagaliza, ng'emitima gyabwe si mirungi.

Obuvubi bugootaanye nnyo ne kikosa bangi abagukola. Yabasabye okubeera obumu n'okulowooza ku Buganda ey'enkya.

Abaweereza b'Obwakabaka okuva mu bitongole ebyenjawulo baakoledde mu kyambalo ekitongole Ekyobwakabaka okuli amakanzu ne gomesi era ng'abaweereza ba BLB okuva ku matabi ag'enjawulo baananye mu busuuti n'amakanzu.

Omukolo gwetabiddwako ebikonge ebyenjawulo okuva mu Bwakabaka ne gavumenti eya wakati ssaako mikwano gy'Obwakabaka egyetoolodde Obuganda.



**Sseruti n'ekibinja ky'abasenero ba Kabaka**



**Ente eyagabuddwa ku mukolo gw'amatikkira**

# Amatikkira mu bifaananyi


Tuutuno e Ndejje



Ttiimu Nansana bwe yakiggunzew


Ab'e Njeru nabo baawoomye





Abatuukirwako abagenyi ku kitebe bwe baalabise


Akulira Ebyensimbi, Mujabi Martin mu ofiisi ye



Abaweereza b'oku kitebe ekikulu ku Masengere


Bano be bakola mu ofiisi y'ebyensimbi, Ofiisa Kigozi ng'abakyalilddeko


Ab'e Buddu bwe baalabise


Abaweereza ba BULADDE SACCO


Ab'ettabi ly'e Luweero


Ab'ettabi ly'e Mityana


Abaweereza ba Kibuga


Ab'ettabi ly'e Kyaggwe - Mukono


Nakaye kacaayi yakagabulidde mu busuuti


Ab'e Mpigi nga bananye


Omuwandiisi wa Ssenkulu, Ruth Wagwa


Kiyegga owa NTB ng'anekedde mu kkanzu


Ababalirizi b'ettaka nga baboobedde mu ofiisi yaabwe


Omupunta Nabbanja naye kata ettaka alikubire mu busuuti. Namuli yabadde amuleetedde fayiro

# Ssenkulu alambudde ab'e Mpigi


Ekimu ku bizimbe ebiteekeddwa mu Mayembegambogo


Ssenkulu Kabogoza ne ttiimu ye nga balambula Mayembegambogo

Ssenkulu Simon Kabogoza yakulembeddemu ttiimu ye okuva ku Masengere ne bagenda e Mpigi ku ttabi okulondoola enkola y'emirimu ssaako ensonga ez'enjawulo mu kitundu kino okuli n'eza Mayembegambogo.

Yasoose usisinkana bakozi n'abeebaza emirimu n'okubakubiriza okwongeramu amaanyi naddala mu bitundu awali emivuyo ku ttaka. Bano nabo baamwanjulidde emiziziko n'okusoomoozebwa bye basanga nga baweereza.

Ssenkulu oluvannyuma yalambudde ekitundu kya Mayembegambogo n'asanga nga waliwo abagenda mu maaso n'okuzimba nga baguzibwa babbulooka newankubadde tekikkirizibwa kusengebwako. Babbulooka bakolagana ne bassentebe b'ebyalo okutunda ebibanja. Alikoekitundukyeyaguddeko nga kyakasendebwa aba Goodwill, abagenda nga basala obubanja obutasaanye.

Abantu abaasangiddwa mu kitundu kino nga bagamba nti balinawo ebibanja baategeezeddwa okuleeta ebiwandiiko byonna mu BLB kubanga yo tebamanyi era ne baweebwa ga buwa banoonye abaabaguza babaddize ssente zaabwe.

Bwe baavudde mu Mayembegambogo ne beeyongerayo awasangibwa miti pulojekiti gye baasanze nga nayo babbulooka beekola kigenyi era abaabadde bazimba baayimiriziddwa ne babalagira basooke beeyanjule mu BLB.

Ssenkulu Kabogoza yalagidde ekiwayi ekiteekateeka ettaka ssaako ekikola ku bakiwagi okukwatagana ne Operations okulaba ng'ebitundu bino bitaasibwa obutassibwamu mugotteko wakati mu kibuga ky'e Mpigi.

---

# Ofiisi etwala abakozi ekyalidde ettabi lya Kibuga

Mwami Jude William Kigozi okuva mu ofiisi ekola ku nsonga z'abakozi yeetabye mu lukiiko lw'omwezi olwettabi lya Kibuga. Obugenyi bwe bwagendereddwamu okulondoola entambula y'emirimu n'engeri abakozi abapya gye bakutte emirimu egyabaweebwa. Yabakubirizza okufungiza okulaba ng'ekitongole kiyingiza ensimbi okusobola okuyimirizaawo ebikolebwa BLB n'Obwakabaka okutwalira awamu. Olukiiko olwekika kino babeera nalwo buli ntandikwa ya mwezi okwetunulamu ku bibeera biwagamidde mu kuyingiza ensimbi n'okwongeramu obukodyo okusobola okwekuumira ku ntikko.


Kigozi ng'ayogera mu lukiiko lwa Kibuga

# Aba GIS batuuse e Ndejje

Omuweereza Balaba Emmanuel Mugala ne ttiimu ye tebannassa mukono ku by'okutendeka abaweereza mu matabi okweyambisa amasimu okubaako bye bazuula ku ttaka lye bakolako, enkola ey'okubasobozesa okwanguya okutuusa obuweereza eri bakasitoma.

Lyabadde teriri busa ne bagwa ku b'e Ndejje-Lufuka ne babatendeka ku nkola ya GIS eno ey'okukozesa omutimbagano mu mulimu gw'ettaka.

Balaba yayanjudde omulamwa eri abaweereza ng'ali wamu Dan Mwesigwa omupunta bwe bawomye omutwe mu kutambuza enjiri eno.

Abatendesi basooka kubasomeseza munda n'oluvannyuma ne babazza wabweru okugezesa ebyuma mu kittuluze ky'enjuba okusobola okunoonya coordinates ku ttaka lye baba bakolako.

Batambulira wamu ne Nakisanja Hilda ng'ono abeera mu keetalo k'okwekebejja ebyuma bikalimagezi.




***Balaba Mugalu ne ttiimu ye nga boogerako eri abaweereza b'ettabi ly'e Ndejje okubanjula enteekateeka yaabwe ey'okubasomesa***

Oluvannyuma Ssejjengo ne Balaba baafunyeeyo akadde ne balambula gye baagwiridde ku kiwagi ne bamuyimiriza okuzimba e Ndejje.

# Ab'e Mpigi beeyozaayozezza

Abaweereza okuva ku ttabi ly'e Mpigi beeyiridde amanzaali mu kweyozaayoza olwobuwanguz bwe baatuuseeko mu mwezi gwa Ssebaaseka ne bakira amatabi amalala. Ekikopo kye baawangudde kyajjiddeko ebbaasa enzito, bwebatyo ne bagenda mu kafo akasifu e Maya okwewummuzaamu nga bwe basala n'entotto ku kiki ekyokukola okusobola okukuuma ekifo ekyo enfunda eziwerako nga Kibuga bw'ebadde.

Beeweereddemu ku Maya Nature Resort, nga baakulembeddwa Maneja Kireewa Maato olwo ne baddugaza emmeeza mu kwanukula akayimba ka Alien Skin mwabuuliza nti, "Kino kye bayita okuddugaza emmeeza?"



***Kino kye bayita okuddugaza emmeeza! Abaweereza b'e Mpigi ku kijjulo ku Nature Resort e Maya***

# Ebifa mu b'ebibalo

Obwakabaka bwatandise okutuwa amawulire agakwata ku bibalo nga bwe bisengekebwa okusinziira ku nteekateeka eyakolebwa okuwaayo abaweereza b'Obwakabaka okwenyigira mu bibalo bino. Buganda Land Board yasindikayo omuweereza Emma Balaba Mugalu era nga ku bimu bye yaakatutuusaako mwemuli amaka n'enzimba ya wansi.

Ebyavudde mu kubalirira byalaze nga ku buli maka 10 mu Buganda, kubeerako amaka 6 nga gaazimbibwa na sseminti ate nga wa buwangaazi, bye bitundu 56.6%.

Ku masaza g'Obwakabaka gonna, Kyaddondo ne Busiro ge gasingamu sseminti ow'obuwangaazi nga gaabaliddwa ku bitundu 81.8% ne 73.3% nga bwe zeegoberera. Gano gaddirirwa Kyaggwe (57.7%) ne Mawokota (53.6%).

Amaka kumpi 6 ku 10 mu masaza nga Buvuma, Ssese, Buweekula ne Gomba basula mu mayumba gat taka lyereere.

Okutwalira awamu mu Uganda amaka agawera ebitundu 61% basula mu mayumba ga ttaka ate ebitundu 39% basula mu maka ga sseminti oba obujjo.

# Ebifa mu ofiisi ya Kaliisoliiso

**Mukasa ne Nalunga batuuse e Mpigi**

Bakaliisoliiso beesitudde ne batuukako ku ttabi ly'e Mpigi okulondoola engeri emirimu gye gitambulamu mu kiseera kino. Baasisinkanye abaweereza era nga baasookedde wa Maneja w'ettabi, Kireewa Maato ne babaako bye boogerako ku by'okusitula ennyingiza y'ettabi. Ate abaweereza abalala baabasibiridde entanda batuukirize obuvunaanyizibwa bwabwe.

**Nnyimbwa**

Kaliisoliiso Mukasa ne Maneja Ssembatya era baalambudde embuga y'e Nnyimbwa mu ssaza ly'e Bulemeezi okulondoola ebikolebwa ku ttaka eryo. Era beegattiddwako Edris Katongole owa Land Banking ng'alondoola ebiriwo ku kifoawagenda okuzimbibwa eddwaliro mu kitundu kino.

Ku baasanzeeko n'enkulaakulana ya bannakigwanyizi nga bagolomolako amayumba ag'obuwangaazi era ng'omusolooza Kiganda yabuuziddwa ebibuuzo ku bikolwa by'okwesenza ku ttaka.

Oluvannyuma Mukasa yakulembeddemu ttiimu ye ne baddayo e Nnyimbwa ku ggombolola mu nsisinkano eyeetabiddwako ne Kangaawo ssaako Omumyuka we asooka n'Oweggombolola basalire wamu entotto ku nsonga y'abaddukanya eddwaliro lya Nyimbwa Health Center IV abaluubirira okutereeza obusenze bwabwe.

Casmir yayise ne Maneja Ssembatya ssaako alondoola omutindo gw'ebizimbe, Henry Ssebaggala. Bano era baalondodde ensonga y'omutuuze agambibwa okusaalimbira ku ttaka ly'embuga y'eggombolola.

**Mukasa e Kibibi**

Kaliisoliiso Mukasa wamu ne Maneja Kireewa Maato ow'ettabi ly'e Mpigi baagudde ku ngo eriko omwana e Kibibi, bwe baabadde balondoola emirimu ne bagwa ku nju ya kiwagi eyategeerekeseeko nga Joseph Ssewandagi era ng'ono yaliko omuweereza wa BLB, n'aboolekeza ebigambo ebisongovu ng'olukato so nga mu kukaawa bikirako omususa, nga bw'ababuuza kye banoonya ku nju ye. Yabalangidde okusaalimbira ku kibanja kye yawandiisa era baaludde ddaaki ne beetegula ekibabu, ebinaddirira bibagwe enkoto.



*Kaliisoliiso Mukasa ne Maneja Ssembatya ssaako omusolooza Kiganda nga balambula ebiri ku ttaka ly'embuga e Nnyimbwa*



*Nalunga ne Casmir nga baliko bye boogera ne Maneja Kireewa mu ofiisi ye e Mpigi*

# Maneja Kitooke atuukirizza obweyamu eri essaza

Maneja atwala ettabi lya BLB e Mityana Sadic Kitooke atuukirizza obweyamu bwe yakola eri essaza Ssingo, bwe yasuubiza okuliwa obuwagizi mu mpaka z'emipiira gy'amasaza ng'aweweeza emimiro gy'abazannyi.

Kitooke yeeyama okuwaayo bokisi z'amazzi amakumi 20 era nga 10 ku zo yazikwasizza Mukwenda ng'ali wamu n'abamyuka be ababiri ku mukolo gwe yakoledde wali ku ofiisi y'ettabi e Mityana.

Ow'essaza Ssingo, Mukwenda Nantajja yasiimye BLB olwokubasuula omukono mu nteekateeka y'omupiira.



# Amawulire mu bifaananyi

Tukubye emisomo n'okuyita mu mikutu emirala okusomesa abantu ba Ssaabasajja ku nsonga z'ettaka n'obuvunaanyizibwa bwabwe.



Bano batuuze ku ttaka lya Mut. I Mpigi, nga bali mu musomo









Gambobbi ng'annyonnyola obukulu bw'ebiwandiiko ku ttaka



Maneja Kitooke ng'asomesa ab'e Nanyonga ne Namamonde

Ekiwayi ekivunaanyizibwa ku bakozi kyategese omusomo gw'ebyobulamu nga kyeyambisa eddwaliro ly'e Mengo



Nansubuga ng'asomesa ab'e Mpigi Mut. I



Gambobbi mu musomo e Buwe - Butoolo mu Mawokota




Mazzi ne Namuyanja mu musomo gwa UCOBAC e Kireka



Wasswa Bukenya ng'ava okuteekateeka abaleeta amakula e Kamira Bulemeezi



Amakula nga ganjulwa eri omukulu w'olubiri Robert Ssewava era Mw. Ssempijja amyuka Luweekula ye yabakulembeddemu



Ssejjengo ne Balaba nga bayimiriza abazimba mu kimpatiira

# Aba Corporate League temuddiriza

Buganda Land Board nga bulijjo yeekoze ekigenyi, bwe yakkakkanye ku ttiimu eziwerako n'ezikuba mu mupiira gw'abasajja. Yatandikidde mu Hotel Africana n'egisogga ekkene so nga ne mu kanyomero k'okusika omuguwa, ttiimu eyakulembeddwa Bakabulindi teyalabizza ku Housing Finance Bank njuba, nga baamenye mu jjenje kkalu bonna bwe baabakunkumudde ku ttaka.



Tuwangudde



Abawagizi b'omupiira



Muguwa nagwo gwasikiddwa

# Ttiimu ya BLB enkulu ekubye ento



Abawagizi nga basaakaanya



Abawagizi ba ttiimu ento nga bateebye esooka

Waabaddewo akabbinkano mu by'emizannyo gye buvuddeko, abavunaanyizibwa ku by'emizannyo bwe baategese ttiimu y'omupiira enkulu ey'ekitongole ekwatagane n'abasigadde. Kwabadde kunywa na kuwuuta ttiimu enkulu bwe yasoobereddwa n'eteebwa ggoolo mu kitundu ekyasoose. Wabula ttiimu enkulu mu kitundu ky'omuzannyo ekyokubiri yakomyewo ewaze n'eryoka ekomerera abaana baayo ggoolo eziwerera ddala 3, nabo ne bawanika nti omuzadde tasobya!

# Abamu ku baweereza abaazaalibwa mu Kasambula


Ssejjengo Baker


Nakayiza Sarah


Kitooke Sadiq

"Muyogeeyoge bannaffe!


Nnaalongo Nanyonga Sylvia


Sserunyiigo Brian


Namyalo Anita


Mumbejja Nakalema Sarah


Happy birthday Doreen!

Kirabo Doreen


Ntege Herbert


Nsereko Dan


Kaddu Nuhu



Nanyonga Teo


Nabatanzi Rose Mary